# Endwadde ezisaasaanyizibwa mu ntambula ey'olukale n'engeri y'okuzeetangira

Bya SAMUEL BALAGADDE



Abasaabaze nga batudde mu takisi.

OBULWADDE bwa Ebola butadde eggwanga ku bunkenke era omukulembeze w'eggwanga akubiriza buli muntu okubwerinda ng'otandikira ku kwewala okukwatagana n'omulala omuli okukwata mu ngalo, okugwa mu bifuba okuliraanagana ennyo, okwejjanjabira omuntu afunye obubonero obwefaanaanyiriza obwa Ebola ng'abakugu si be bamukozeeko, n'embeera endala eziyinza okukuteega mu matigga ag'okukwatibwa obulwadde buno.

Obulwadde buno ekimu kiyinza okubumalawo kwe kwewala embeera ey'abantu okubeera mu lukale. Kino kizingiramu n'entambula ey'awamu, omuli; Takisi, bbaasi, mmotoka ez'obwannannyini n'endala.

Wabula waliwo n'endwadde endala nnyingi z'osobola okufuna olw'embeera y'okutambulira mu lukale, abasawo ze balaze kyokka ne bawa amagezi ku by'olina okukola okwewala obuzibu buno.


Ng'oggyeeko abafuniramu endwadde ezisiigibwa nate waliwo abazirikiramu olw'obutafuna mpewo emala. Endwadde ezisinga okusaasaanyizibwa mu ntambula y'olukale kuliko:

Dr. Myers Lugemwa, omukugu mu ndwadde ez'enjawulo mu ddwaaliro ekkulu e Mulago agamba nti, waliwo;

- Endwadde z'ensusu : Zino zikwata oluvannyuma lw'okuliraanaganya emibiri n'omuntu alina obulwadde nga oluwumu, olukuku, n'ebirala.
- Ebifuba ne ssennyiga : Bino ensangi zino bingi ate bya maanyi nga bwe bikukwata bireeta n'omusujja ssaako okubuza amaanyi n'abamu bibatuusa ku bitanda naddala abaana.
- Covid-19 : Ono ng'ayita mu bubonero obwefaanaanyiriza ku bifuba ne ssennyiga naye kyangu okusaasaanira mu ntambula ey'olukale singa abeera abaluseewo.
- Tetenansi : Ono ng'ayita mu bidduka ebisusse obukadde ebibaako ebyuma ebisala n'okufumita nga singa omusaabaze abikoonako mu butanwa kyangu okumulwaza tetenansi.
- Endwadde eziva ku biwuka nga ebiku : Bino bibeera mu mitto gy'ebidduka eby'olukale naddala takisi nga kiva ku bucaafu ate nga zitambuza abantu bangi.

### ENGERI Y'OKWEWALA ENSAASAANA Y'ENDWADDE MU NTAMBULA EY'OLUKALE

Dr. Evans Tusuubira, ow'ekitongole kya Organization for Health Promotions mu Kampala annyonnyola



Dr. Myers Lugemwa

abasaabaze kye basaanye okukola, omuli;

1 Okuggula amadirisa g'ebidduka : Kino kiyambako okuyingiza empewo ennungi n'okufulumya eyo embi okuva mu mibiri gy'abasaabaze oluusi ebeeramu endwadde eziyinza okusaasaanyizibwa mu balala.

2 Okwambala masiki : Kirungi eri omusaabaze abeera akimanyi nti, mulwadde wa ssennyiga oba ekifuba okwambala masiki okutaasa abalala. Wabula naawe atali mulwadde kisaanye oyambale masiki okweziyiza endwadde.

3 Okwewala okweriraana ennyo : Kino kiyambako okukendeeza emikisa gy'okukwatibwa endwadde z'ensusu.


4 Okukwatagana mu ngalo mu kubuuza oba okugwang'ana mu bifuba, byonna bitaasa ku kusaasaanya obulwadde.

5 Okunaaba mu ngalo ne sabbuuni : Nga waakava mu ntambula ey'olukale kyandibadde kirungi okunaaba mu ngalo ne sabbuuni okutta obuwuka obuyinza okubeera ng'obuggye mu mmotoka.

6 Okwewala okwekwata mu maaso : Okwekwata mu maaso y'emu ku ngeri y'okusaasaanya endwadde ezisiigibwa nga ziva mu lukale.

### EBISAANA OKUKOLEBWA AB'EBIDDUKA

Emmanuel Aleti owa poliisi eyeekebejja ebidduka agamba nti:



Paul Kwamusi

Ebidduka by'olukale birina okuba mu mbeera etatuusa bulabe ku babitambuliramu nga muno muzingiramu;

- Ebbanga erirekebwawo okuva ku mutto ogumu okudda ku mulala eriteekwa okuba nga limala omuntu okutuulamu nga takosedwa mu maviivi.
- Endabirwamu z'amadirisa ziteekwa okuba nga ziseeseetuka okusobozesa abasaabaze okuziggula empewo eyingire n'okufuluma.
- Bbuutu okuggalwa n'ebunira: Bbuutu ya mmotoka naddala takisi eteekwa okuba ng'eggaddwa n'ebunira okutaasa omukka omubi oguva mu yingini n'ekizoosi obutadda mu basaabaze.
- Abagoba b'ebidduka bino ssaako ne bakondakita balina obuvunaanyizibwa okukaka basaabaze okuggula amadirisa n'okubakaka okunaaba mu ngalo ne ssabbuuni nga bayingira.
- Takisi ekika kya Drone : Zino zaakolebwa ng'amadirisa gaazo mafunda nga zirina kutambula nga zeeyambisa mpewo ya Air Conditioner (AC) ekitasoboka mu mbeera ya Uganda wabula nga bannannyini zo balina okukakibwa okuteekamu ffuleemu z'endabirwamu eziseeseetuka obulungi okutaasa obulamu bw'abantu.

### OKUWABULA KW'ABAKUGU

Paul Kwamusi, omukungu mu ntambula y'olukale era akulira ekitongole kya Intergrated Transport Systems mu Kampala, agamba nti, ebimu ku bivaako okusaasaana kw'endwadde mu ntambula y'olukale buva ku basaabaze bennyini obutakola ekyo kye balina kukola mu kuzeetangira.

Kwamusi era agamba nti, gavumenti nayo evunaanyizibwa kyenkanyi naddala eri mmotoka ganyegenya ezitaggula madirisa ssaako ezo ezitaggala bbuutu, n'ebyuma ebikadde ebiringiza ebifumita n'okusala abantu ezirekebwa nga zitambula kyere ku nguudo mu ggwanga.

## Abantu kye bagamba



**Yunus Kiggundu : Gavumenti esseewo enteekateeka esobozesa abasaabaze okumanya eddembe lyabwe n'okubamanyisa endwadde ezisiigibwa mu ntambula y'olukale nga bwekyali mu biseera bya Covid19.**



**Ibrahim Kayondo: Bakondakita bandivunaanyizidwa kyenkanyi okulaba ng'ebidduka bye bavunaanyizibwako biyisa empewo emala nga bayita mu kukaka abasaabaze okuggula amadirisa.**



**Emmanuel Ssekisambu : Ebyobulamu mu ntambula y'olukale gavumenti yandibadde ebiwa enkizo ng'abakwatibwako bayita mu kubuulirira abasaabaze ku kiki kye balina okukola okwetangira endwadde.**